SAMUEL TEBUSEEKE



Abayizi ba Gayaza Junior n'ekikopo kya scrabble kye baawangulidde ku Wampeewo Ntake SS.

# Gayaza yeetisse ekikopo kya scrabble

Bya SAMUEL TEBUSEEKE

ESSANYU kata lyabye abayizi ba Gayaza Junior School nga basitukidde mu mpaka za scrabble (Inter Schools Scrabble Tournament) ezaabadde ku Wampeewo Ntake SS ku Lwomukaaga.

Empaka zino ezaategekeddwa Scrabble Association of Uganda (SAU), zeetabiddwaamu amasomero 15 aga pulayimale ne siniya nga Gayaza Junior yeetisse ekikopo ky'abawala aba pulayimale ate Good Times Primary n'etwala eky'abalenzi.

Omutendesi wa Gayaza Junior okuva mu Future Stars Sports Program, Ronald Lwebuga yagambye nti obuwanguzi kye kimu ku bibala ebivudde mu kukyala kwa pulezidenti wa scrabble mu Afrika, Adekoyejo Adegbesan ku ssomero lyabwe omwaka oguwedde n'atongoza omuzannyo guno ate nga n'abazannyi balina obumanyirivu.

“Abazannyi 5 baali ku ttiimu y'eggwanga eyakwata ekyokuna mu za Afrika e Kenya omwaka oguwedde. Ekirala, batendekebwa bulungi kuba bakama baffe batuwa obudde,” Lwebuga bwe yategeezezza.

Omukungu wa SAU, Godwin Murungi yagambye nti empaka za siniya tezaawedde olw'obudde okuziba nga zaakuddamu okutegekebwa.

Akulira ebyekikugu mu SAU, Joel Muwanika yagambye nti banoonya ttiimu egenda okukiikirira Uganda mu mpaka z'ensi yonna ez'abato (World Youth Scrabble Championships) ezinaayindira e Kenya mu August.